# MASAKA DIOCESE

OFFICE OF THE BISHOP

Bishop's House, P. O. Box 70, Masaka, Uganda (East Africa)


**16/2/2026**

## OBUBAKA BW'OMUSUMBA WA MASAKA DIOCESE OBW'EKISIIBO KYA 2026

Baganda bange Bannamasaka mbalamusizza nnyo mu linnya lya Mukama waffe Yezu Kristu.

Ntwala omukisa guno okubeebaza ne ssekwebaza essaala ze musabidde Fr. Deusdedit Ssekabira okuva lwe nabategeeza ng'abuziddwawo era ne mbasaba mumusabire era musabire n'eggwanga lyaffe Uganda. Ssibuusabuusa n'akamu, essaala mwazisomye. Baganda baffe ab'enzikiriza endala abatwegasseeko mu ssaala zino, mbasiima butamala. Fr. Ssekabira yatuddiziddwa, waakiri ku kakalu ka Kkooti. Nsaba twongere okumusabira byonna biggwe.

Paapa Leo XIV yatuwadde obubaka bw'Ekisiibo kya 2026. Atukubiriza twetangire olulimi olukambwe eri bannaffe n'okubalamula amangu. Twegunjemu okuwuliriza, okusiiba, n'okwagala okubeera obumu. Tube ba kisa era abawawaŋŋana ekitiibwa mu maka gaffe, mu mikwano gyaffe, ku mirimu gyaffe, ku mikutu emigatta bantu (social media), mu by'obufuzi, mu mawulire, ne mu bibiina by'Abakristu. Mu ngeri eno, ebigambo eby'obukyayi bisikirwe ebigambo eby'essuubi n'eddembe. Bino byonna bijja kusoboka singa tukkiriza Ekigambo kya Katonda ne kikwata ku mitima gyaffe, nga tukyaniriza n'omwoyo omwetowaze.

Wano mu Ssaza lyaffe, ku bubaka bwa Paapa obwo nnyongeraka okubakubiriza okukola kyonna ekisoboka mu Kisiibo kino, yonna mu Bifo byaffe, okunnyikiza omulamwa gw'Essaza 2025/2026: **"TUNNYIKIZE OBUYONJO N'OKUTAASA OBUTONDE BW'ENSI NGA TUSIMBYE MU KATABI"** (*LET US PROMOTE COMMUNITY HYGIENE AND ENVIRONMENTAL PROTECTION BASED AT THE BASIC CHRISTIAN COMMUNITY*). Mweyambe ennyinyonnyola gye twabawa ku mulamwa ogwo ko n'ennambika eyabaweebwa Pastoral Co-Ordinator n'ekitongole kya Caritas MADDO.

Bino nabyo tubisseeko nnyo omwoyo: Abakristu mu maka tugatte Sappule nga tweyamba okusinga Ebyamagero eby'Okunyolwa, anti bye bitukubirizibwa Nnyaffe Eklezia mu Kisiibo. Ku Bifo, mu masomero gaffe ne mu *Communities* endala, wabeeyo entereeza y'okusoma Ekkubo ly'Omusaalaba buli Lwakutaano okutuuka okumalako Ekisiibo. Wonna twettanire mu Katabi okubaako ekyetaago ekikwasibwa omu ku babiri bano: Omuddu wa Katonda Msgr. Aloyzio Ngobya oba Omuzaana wa Katonda Sr. Amedeo Byabali.

Mbagaaliza Ekisiibo kya 2026 eky'emikisa.

+ Serverus Jjumba

**OMUSUMBA W'ESSAZA LY'E MASAKA**